INTERNATIONAL BACCALAUREATE
BACCALAURÉAT INTERNATIONAL
BACHILLERATO INTERNACIONAL

# LUGANDA A1 – STANDARD LEVEL – PAPER 1
# LUGANDA A1 – NIVEAU MOYEN – ÉPREUVE 1
# LUGANDA A1 – NIVEL MEDIO – PRUEBA 1

Thursday 17 May 2001 (afternoon)
Jeudi 17 mai 2001 (après-midi)
Jueves 17 de mayo de 2001 (tarde)

1 hour 30 minutes / 1 heure 30 minutes / 1 hora 30 minutos

---

INSTRUCTIONS TO CANDIDATES

- Do not open this examination paper until instructed to do so.
- Write a commentary on one passage only. It is not compulsory for you to respond directly to the guiding questions provided. However, you may use them if you wish.

INSTRUCTIONS DESTINÉES AUX CANDIDATS

- Ne pas ouvrir cette épreuve avant d'y être autorisé.
- Rédiger un commentaire sur un seul des passages. Le commentaire ne doit pas nécessairement répondre aux questions d'orientation fournies. Vous pouvez toutefois les utiliser si vous le désirez.

INSTRUCCIONES PARA LOS ALUMNOS

- No abra esta prueba hasta que se lo autoricen.
- Escriba un comentario sobre un solo fragmento. No es obligatorio responder directamente a las preguntas que se ofrecen a modo de guía. Sin embargo, puede usarlas si lo desea.

*Wa ebirowoozo byo mu buwandiike ku kimu ku biwandiiko bino wansi:*

**1.** (a)

**Okutya Nsonyi**

Omuti omubondevu
Taba na kuluubirira
w'afuna ok'kalubiirirwa
Ng'aggyamu enta mangwago
Taba mugumiikiriza
By'alemwa biba nfaafa.
    Omuzira bw'akazana
    Ensozi awalampa nnya
    N'ayima eyo ku ntiko
    N'abirengera ebikko
    n'obukubo mw'awaguza
    Kikkowe olwo n'assa lumu.
Omutabaazi w'abazigu
Olutabaalo bw'alussa
Engule oba ne ccepe ze
Bimusakira ettibwa
Lw'abiyambala akagamu.
    Eyatya okutambaala
    N'okugumira ebizibu
    Bw'alaba omutiibwa oli
    Eyawangula engule ze
    Ng'ensyonyi zimwewagika
    Mu mutima n'obwongo
    Sso eyabeerera omuzira
    Wa kitiibwa w'atuula
    Buli w'ayita agaziwa
    Okutya nsonyi mbi nnyo
    Obuzira kitiibwa ate.

T. Kagera. *Ebitontome Ebiteesiba*. Kampala: Crane Publishers, 1997.

– Laga engeri omuyiiya gyayolesaamu enjawulo wakati w'omutiitiizi n'omuzira.

– Nnyonnyola enkozesa y'olulimi mu katundu k'ekitontome akookubiri, okuva ku "Omuzira bw'akazana" okutuuka ku "..n'assa kimu".

– Wa endowooza yo ku ngeri omuyiiya gy'alabamu obutiitiizi mu kitontome kino.

– Londa ekirowoozo kimu ky'okkirizaganya nakyo, oba ky'owakanya, mu kitontome kino, era okiweeko ensonga zo.

**1.** (b)

Akasana kaagenda okutandika okwaka nga tuvuya n'eddungu. Twali tukyaluyita lwa mannyo wenu, obudde we bwatuukira mu malya g'ebyemisana nga tuyoya busera. Buli ludda lwe twatunulangako nga tulaba musenyu mwereere! Akasana akaali kaaka ppereketya ako konna kaatuggwerako, ne tutuuyana entuuyo okuva ku mutwe okutuuka ku bigere.

Olunaku olwo lwe twasookera ddala okusenserera eddungu eryo lwali lwa kabi nnyo. Ebiseera ebisinga empewo ey'amaanyi yali ekunta ate ng'eva mu maaso gaffe, n'olwekyo nga tetuganya kutambula mangu. Yafuumuulanga omusenyu era ng'oluusi gukwata ne waggulu ng'ebire. Mu kiseera ekyo nga tewali awuuna munne era nga nze mu mwoyo gwange mmanyidde ddala nga bwe tutagenda kuddayo kuba balamu nate.

Naye nno munnange akasana kaba katandika okumenyeka era nga n'empewo egenda erekera awo okukunta, ne mpulira nga sikyasobola kweyongerayo, anti nga ffenna tulinga abayise mu luyiira, era emimwa gyonna tekukyali nkuta, n'amaaso nga gatuwulubadde. Natagala entagala bbiri nga ndi ku ddimwa, ebyaddako saabimanya.

Naye eky'omukisa omwezi gwali gwaka bulungi nnyo era nga n'obudde buteekedde ddala, ne ndyoka mpawamuka. Bwe nasooka okutunula nalaba Nakka ng'atudde gye nali ntadde omutwe, era ng'amaziga gamuyitamu. Omukono yali agwegese ettama ng'omulala gumpeeweeta ku mutwe. Bwe nazza amaaso crudda ne ndaba akabiina k'abantu nga mukaaga nga banneetoolodde era nga bonna banjegese amaaso. Nzenna najjula okutya era ne nkwata Nakka ku mukono n'amaanyi ennyo ne ndyoka mmubuuza nti, "Kiki?" Munnange teyanziramu anti ng'ali mu kulira bulizi, so cra ne ku bantu bali tewaali yannyega. Nayagala okuyimuka nnwane naye baaba nga mu kiseera ekyo endasi ntono. Omu ku basajja bali yaddira ekikopo ekyali kijjudde amazzi n'annywesa. Okutemya n'okuzibula ng'ekikopo kikalu. Yannyongeramu n'ebirala bibiri olwo nno ne ndyoka mpuliramu.

Kaddu, J.S. *Nkyalira Walumbe Ettanda*. Nairobi: E.A. Literature Bureau, 1973.

– Nnyonnyola mu bimpimpi engeri anyumya gy'atulagamu nti ekitundu mwe baali bayita kyali kya bugubi.

– Laga, nga bw'owa n'cnsonga zo, embeera y'ebirowoozo by'abatambuze bano nga bagenda beeyongera okuscnserera eddungu.

– Weekebejje era onnyonnyole engeri ez'enjawulo abantu abali mu lugero, anyumya, Nakka n'abo ababeetolodde, gye balabamu ebintu nga bwe biri oyo anyumya w'addira engulu.

– Wa ebirowoozo byo mu bufunze ku ngeri omuwandiisi gy'akozesaamu olulimi mu nnyingo y'ekiwandiiko kino esooka, okuva ku ntandikwa okutuuka ku "*ku bigere*".